# Awamba abaana n'abatta bamukutte

SHAMMIM NABUNNYA



Amaka ga Muwanga agaasangiddwaamu amasabo.

Bya SHAMIM NABUNNYA

POLIISI n'amagye bizinzeeko embuga y'omusamize Ivan Muwanga, ku kyalo Lunyerere ekisangibwa e Kammengo mu disitulikiti y'e Mpigi, ku bigambibwa nti abadde awamba abaana n'abatirimbula.

Mu mbuga ya Muwanga Poliisi yasanzeemu amasabo 14, obuwanga bw'abantu abagambibwa okuttibwa, entaana ezirimu emirambo, n'ebyawongo ebirala bingi.

Eggulo we twagendedde mu kyapa, Poliisi n'amagye byabadde bikyebulungudde amaka ga Muwanga awali n'embuga ye, okutangira abantu b'omu kitundu abaagala okusaanyaawo amaka gano n'ebintu byonna ebirimu, nga bavunaana Muwanga okuwamba abaana b'oku kyalo n'abatta.

## ENGERI MUWANGA GYE YAKWATIDDWA

Muwanga okukwatibwa, kyaddiridde omwana Betty Nabuyungo 12, okubuzibwawo ku Lwokuna oluwedde ng'ava ku ssomero.

Nabuyungo abadde asomera ku St. Bonaventure – Kanyike Primary School, erisangibwa ku kyalo Kanyike e Kammengo mu Mpigi. Yasangibwa attiddwa ku Lwokutaano oluwedde!

Maama w'omugenzi Berna Najjuuko omutuuze ku kyalo Lunyerere e Kammengo yagambye nti abaana abaali basoma n'omugenzi baamunnyonnyola nti Nabuyungo yali ava ku ssomero ku ssaawa 10:00 ez'akawungeezi ng'ali wamu ne banne, Muwanga n'ajjira mu mmotoka ekika kya Harrier n'abasibirako era n'awamba Nabuyungo n'amuteeka mu mmotoka n'abulawo.

Amawulire bwe gaasaasaana nti Nabuyungo awambiddwa, abatuuze baatandika omuyiggo, kyokka omwana n'abula. Enkeera, baddamu omuyigo, kyokka baba bakyanoonya ne bafuna essimu nti waliwo abagudde ku kiwuduwudu ky'omwana mu kitoogo ky'e Kyabadaaza.

Bagenda okutuukayo nga ye Nabuyungo. Baamutegeerera ku yunifoomu eyali ebbali, n'ebbaluwa y'abazadde okuva ku ssomero, erambika ttaamu ejja essomero bwe linaatambuza emirimu.

Najjuuko wakati ng'amaziga gamuyitamu, yannyonnyodde nti omulambo gw'omwana we baasanga gusaliddwaako ebbeere erya ddyo, nga bamutemyeko amagulu, emikono, n'omutwe, ne bamusalako akabina akamu, ne bamukolokotako ennyama ku mugongo, ne bamuggyamu ekibumba n'omutima ne babitwala.

Poliisi yaggyawo ekiwuduwudu ne bakitwala mu ddwaaliro e Mulago, era ku Lwomukaaga ne bakiwa ab'enganda baziike.

Wabula waliwo omu ku baana eyali ne Nabuyungo ku lunaku lwe yawambibwa, eyabuulira bazadde be nti Muwanga ye yawamba Nabuyungo mu mmotoka ye, kyokka abamu ku batuuze ne babiwakanya, ate abalala ensonga ne bazitwala ewa ssentebe w'ekyalo Adul Ssenoga eyabawa amagezi okugenda ku Poliisi.

## ENSONGA ZIGENDA KU POLIISI

Omwogezi wa Poliisi mu bitundu by'e Katonga, Lydia Tumushabe yagambye nti ku Ssande ewedde ku ssaawa 3:00 ez'ekiro, omutuuze omu Proscoyia Birabwa yagenda n'ategeeza Poliisi y'e Kamengo nti mu maka ga Muwanga bateebereza okuba nga waliyo emirambo gy'abantu.

Yaggulawo omusango ku Muwanga, ogw'okugezaako okuwamba muwala we Proscovia Nasaazi ow'emyaka 12.

Poliisi y'e Kamengo ensonga yazongeddeyo ku Poliisi enkulu e Mpigi, ne basindika abawanvu n'abampi ku kyalo Lunyerere ne bakwata Muwanga n'okwaza amakaage.

## EBYASANGIDDWA EWA MUWANGA BIWUNIIKIRIZA

Tumushabe yagambye nti bwe baayazizza ewa Muwanga, baasanzeeyo obuwanga bw'abantu mukaaga, n'embugo ezibunye omusaayi.

Era baazudde entaana mu ssabo ng'erimu emirambo egitannaba kumanyibwa muwendo, era eggulo baabadde balinze kufuna kiragiro kya kkooti basobole okusimulayo emirambo gino.

## BAZUDDE OMUTWE EW'OMUTUUZE OMULALA

Eby'ewa Muwanga byabadde tebinnaggwa, ate omutuuze omulala Fredrick Nsamba abadde atema enku mu kibanja kya Joseph Kizito n'agwa ku mutwe gw'omuntu. Mu kiseera kino poliisi eri mu kunoonyereza ku Kizito nnannyini kibanja, kubanga naye ewuwe alinayo amasabo.

## ABAZADDE ABAABULWAKO ABAANA EMITIMA GIBEEWANISE

Abazadde b'abaana abazze babula mu Kamengo emitima gibeewanise, nga batidde okuba nga bandiba nga be bamu ku bazze battibwa mu mbeera eno. Ensonda ku kyalo zaategeezezza nti abaana 12 be baakabula ku kyalo.

Poliisi yategeezezza nti abamu ku baana abazze babula kuliko; Isma Ssenyonjo 7, Reginah Nakitto 6, abaana ba Teopista Najjuuko, Betty Nabuyungo (omulambo gwazuuliddwa), Davis Yiga, mutabani wa Henry Yiga, n'omulala eyategerekeseeko erya Matovu.

Tumushabe yagambye nti Poliisi ng'ekolaganira wamu n'ebitongole ebikuumaddembe ebirala, bakyagenda maaso n'okufuuza buli wamu, kibayambeko okukwata abantu abalala abateeberezebwa okuba n'akakwate ku ttemu lino.

## Bye bagamba



**Prossy Nakayiza: Omusajja ono abadde alina ebintu by'akola mu kitundu nga bitiss abantu era babadde baatandika dda okumwekengera.**



**Vincent Miiro: Kyannaku nnyo okulaba nga gwe tubadde tuyita omusubuuzi ate nga mutuuze asse abaana. Tusaba bayigge abantu abalala b'abadde akolagana nabo.**



**Robina Namayanja: Ekitundu kino kijjudde amasabo nze ndowooza obusamize bwe buvuddeko abaana okutandika okuttibwa mu ngeri eno.**



Abaserikale nga beetegereza akawanga k'omwana akaasangiddwa mu kasiko.



Jjajja wa Isma Ssenyonjo, Joelia Nantongo (ku ddyo), n'aba ffamire abalala mu nnaku.